Omuzadde n'omwana

# Lwanyisa omuze gw'okutulugunya mu mwana aleme kufuuka kizibu ng'akuze

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

OGUMU ku mize egisinga okukolebwa abaana nga bali ku masomero gwe gw'okutulugunya abalala (bullying) mu ngeri ez'enjawulo ezivaako oyo atulugunyizibwa okuyisibwa obubi mu ndowooza oluusi n'okukosebwa ku mubiri.

Kyokka okusinziira ku bakugu, omuze guno newankubadde gusinga kukolebwa ku masomero, naye ate abaana baguleeta n'awaka.

### EKIVAAKO OMUZE GW'OKUTULUGUNYA

Omukugu mu nkuza y'abaana ate nga musomesa mu ttendekero akola n'ekitongole kya PEAS, Maureen Kizito, agamba nti : Newankubadde abantu abamu balowooza nti, omwana atulugunya banne y'abeera ow'amaanyi, naye ekituufu ate y'aba asinga okuba omunafu. Abeera n'ekiruyi ku mutima era ng'alowooza nti, kijja kumuggwaako era afuuke wa kitalo ng'atulugunya banne ekintu ekitali kituufu.

Abalala batulugunya bannaabwe mu ngeri ey'okwesasuza, okugeza asobola okuba nga yatulugunyizibwa nga yaakayingira S.1, naye n'akula n'ekiruyi nti, kakibe ki naye alifunayo baatulugunya.

### ENGERI GYE BATULUGUNYA

Abaana batulugunyizibwa mu ngeri nnyingi oluusi nga basinziira ku nkula yaabwe, okubaako obulemu, obutaba bulungi mu byanfuna n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo.

Batulugunyizibwa bannaabwe nga babakuba, okubakozesa emirimu, okubalyaako eby'okulya byabwe, okubayiira amazzi mu buliri ne mu ngeri endala nnyingi. Bino bwe bibakolebwako bakosebwa mu bwongo oluusi n'okufuna obulumi ku mubiri.

Mu mbeera eno okiraba nti, omwana alina omuze ogw'okutulugunya baana banne ng'ali ku ssomero, omuze ogwo asobola n'okuguleeta awaka, n'atulugunya bato be oba abaana ba mulirwana wo.


Maureen Kizito

### OBULABE OMWANA ATULUGUNYA BANNE BW'AYOLEKEDDE

Omwana atulugunyizza ennyo banne abeera mu bulabe nti, ne bw'aba akuze, asobola okukula ng'alengezza, ng'atyoboola abalala. Kino asobola n'okukikola ku bakama be ku mirimu oba ne mu bufumbo okukkakkana nga bumulemye.

Mu ngeri y'emu asobola n'okubulwa emikwano egimuyamba naddala mu biseera eby'omu maaso. Omwana atulugunya oba alengezza ennyo banne, si kyangu kya kwerabira ky'abeera akoze era batuuka ne bamukyawa. Bwe bakula oyo eyabatulugunya tekiba kyangu kumufuula mukwano gwabwe okukkakkana ng'abuliddwa n'emikwano.

Abandi bafuuka ba kiwagi, abanyumirwa okulaba abalala nga babonaabona, mu mbeera eno basobola n'okufuuka ababbi nga tebatya kutulugunya balala era n'okubabbako ssente zaabwe. Mu ngeri y'emu, abantu be mulaba abatasimba nnyiriri nga bali ku bbanka, nga bayitawo buyisi ne batabalirira balala ababa baasimbye edda, abavuga obubi ku makubo ne batuuka n'okuvugira ab'ebigere we batambulira, ebiseera ebisinga ne ku masomero baba baatulugunyanga bannaabwe olwo ne bakula nga tebalina mpisa. Tewali muzadde yandyagadde mwana we kukulira mu mbeera eno.

### BW'OMUYAMBA OKUKOMYA OMUZE

N'olwekyo bw'okizuula ng'omwana wo y'omu ku batulugunya bannaabwe ku ssomero oluusi ng'omuze guno atandise n'okuguleeta awaka, sala amagezi olabe ng'agukomya.

Mu by'osobola okukola eri omwana wo, sooka omwetegereze n'enkaliriza mu ngeri gy'akolaganamu ne banne, mutunuulire ng'obawadde eby'okulya, y'ayagala okulya ekinene oba byonna ayagala okubyefuga. Ne bw'aba akyali muto tandikirawo okumulambika n'okumugunjula okuva mu muze guno. Bw'otokikola kisobola okumukosa ng'akyali muto, ng'akuze ate n'okukosa abalala.